

# OKUBEERWA OKUVA WAGGULU

Byakunngaanyizibwa
Watson Goodman

Ka Bwereere – Tekatundibwa

# OKUBEERWA OKUVA WAGGULU

**"OKUBEERWA OKUVA WAGGULU" ke katabo akakunngaanyizibwaamu ebyawandiikibwa ebifaanagana nga biggyibwa mu bitundu ebitali bimu ebya Bayibuli. Nzikiriza nti okunnyonnyola okusingira ddala okw'ebyawandiikibwa ye Bayibuli yennyini.**

**Ekigambo kya Katonda kiva "waggulu" era mazima kya mugaso nnyo eri emitima egirumwa enjala n'ennyonta olw'obutuukirivu. Omuntu bwe yeenenya, naaleka ekibi, n'ayita Mukama Yesu Kristo okubeera mu mutima gwe, nakkiririza ddala n'omutima gwe Mukama Yesu Kristo ng'Omulokozi we, Mukama ajja kumwebikkulira era awe omutima gw'omukkiriza essanyu lye n'emirembe gye. Kino kyantuukako mu mwaka 1937 era okuva kw'olwo sisalangako okussa ekimu kuno okw'ekitalo ne Mukama. Nkukubiriza okwewaayo gy'ali kaakati ng'Omulokozi era Mukama wo bw'oba tonnaba kukikola.**

**—Watson Goodman (1920-2002)**

The Scripture text is from the Bible in Luganda by United Bible Societies Africa Regional Centre, Nairobi, Kenya. Used by permission.

# OKWAGALA KWA KATONDA 

Naye Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira. —Abaruumi 5:8

Era ebiva eri Yesu Kristo, omujulirwa omwesigwa, omubereberye w'abafu, era afuga bakabaka b'omu nsi. Atwagala era evatu sumulula mu bibi byaffe olw'omusaayi gwe. —Okubikkulirwa 1:5

Tewali alma kwagala kunene okusinga kuno omuntu okuwaayo obulamu bwe olwa mikwano gye.

—Yokaana 15:13

Mukama yandabikira dda ng'ayogera nti Weewaawo, nkwagadde n'okwagala okutaliggwaawo: kyenvudde nkuwalula n'ekisa.

—Yeremiya 31:3

Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo.

—Yokaana 3:16



1 Timoseewo 3:16

Era awatali kubuusabuusa ekyama eky'okutya Katonda kye kikulu; oyo eyalabisibwa mu mubiri, n'aweebwa obutuukirivu mu mwoyo, n'alabibwa bamalayika, n'abuulirwa mu mawanga, n'akkirizibwa mu nsi, n'atwalibwa mu kitiibwa.

Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. . . . Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli (ne tulaba ekitiibwa kye, ekitiibwa ng'ekyoyo eyazaalibwa omu yekka Kitaffe), ng'ajjudde ekisa n'amazima. —Yokaana 1:1, 14

Matayo 1:22, 23

Ebyo byonna byakolebwa, bituukirire mukama bye yayogerera mu nnabbi, ng'agamba nti Laba, omuwala atamanyi musajja aliba olubuto, era alizaala omwana wa bulenzi, Balimutuuma erinnya lye Emmanweri; eritegezebwa nti Katonda ali naffe.

Yokaana 14:9, 10

Yesu n'amugamba, nti Kasookedde mbeera nammwe, ebiro ebingi bwe bityo, era tontegeeranga, Firipo? Alabye ku nze, ng'alabye ku Kitange; kiki ekikwogeza ggwe nti Tulage Kitaffe? Tokkimza nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu nze?

1 Yokaana 4:15

Buli ayatula nga Yesu ye Mwana wa Katonda, Katonda, abeera mu ye, naye mu Katonda.

Abakkolosaayi 2:9

Kubanga mu oyo mwe mutuula okutuukirira kwonna okw'Obwakatonda ng'omubiri bwe guli.

Kubanga omwana atuzaaliddwa ffe, omwana ow'obulenzi aweereddwa ffe; n'okufuga kunaabanga ku kibegabega kye: n'erinnya lye liriyitibwa nti Wa kitalo, Ateesa ebigambo, Katonda ow'amaanyi, Kitaffe ataggwaawo, Omukulu ow'emirembe. —Isaaya 9:6

Ne malayika n'addamu n'amugamba nti Omwoyo Omutukuvu alikujjira, n'amaanyi g'Oyo Ali waggulu ennyo galikusiikiriza: era ekyo ekirizaalibwa kyekiriva kiyitibwa ekitukuvu, Omwana wa Katonda. —Lukka 1:35

Matayo 17:5

Bwe yali ng'akyayogera, laba, ekire ekimasamasa ne kibasiikiriza: laba, eddoboozi ne liva mu kire, nga ligamba nti Ono ye Mwana wange gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo; mumuwulire.

Kubanga nange ndi muntu mutwalibwa, nga nnina baserikale be ntwala: bwe ŋŋamba oyo nti Genda, agenda: n'omulala nti Jjangu, ajja; n'omuddu wange nti Kola oti, bw'akola. —Matayo 8:9

Yokaana 8:23

N'abagamba nti Mmwe muli ba wansi; nze ndi wa waggulu mmwe muli ba mu nsi muno; nze siri wa mu nsi muno.

Yesu n'amugamba nti Nze kuzuukira, n'obulamu: akkiriza nze, newakubadde ng'afudde, aliba mulamu. —Yokaana 11:25

Yokaana 13:13

Mmwe mumpita Muyigiriza era Mukama wammwe: era mwogera bulungi; kubanga bwe ndi.

Yokaana 6:35

Yesu n'abagamba nti Nze mmere ey'obulamu: ajja gye ndi enjala terimuluma, anzikiriza ennyonta terimuluma n'akatono.

Yokaana 9:5

Bwe mba mu nsi, ndi musana gwa nsi.

Yesu n'abagamba nti Ddala ddala mbagamba nti Ibulayimu nga tannaba kuzaalibwa, nze nga wendi. —Yokaana 8:58

Yokaana 10:7

Awo Yesu n'abagamba nate nti Ddala ddala mbagamba nti Nze mulyango gw'endiga.

Yokaana 4:25, 26

Omukazi n'amugamba nti Mmanyi nga Kristo ajja (gwe bayita Eyafukibwako amafuta): ye bw'alijja alitubuulira abigambo byonna. Yesu n'amugamba nti Nze nzuuno ayogera naawe.

Matayo 14:19-21

N'alagira ebibiina okutuula ku muddo; n'atwala emigaati etaano n'ebyennyanja bibiri, n'atunula waggulu mu ggulu, ne yeebaza, n'amenyamu emigaati n'agiwa abayigirizwa, abayigirizwa ne bagabira ebibiina. Ne balya bonna, ne bakkuta: ne bakuŋŋaanya obukunkumuka obwasigalawo, ebibbo kkumi na bibiri ebyajjula. N'abo abaalya baali abasajja ng'enkumi ttaano, abakazi n'abaana obutabassaako.

Matayo 20:30, 34

Laba, abazibe b'amaaso babiri abaali batudde ku mabbali g'ekkubo, bwe baawulira nti Yesu ayitawo, ne boogerera waggulu, nga bagamba nti Mukama waffe, tusaasire, omwana wa Dawudi. . . . Yesu n'akwatibwa ekisa, n'akoma ku maaso gaabwe: amangu ago ne balaba, ne bamugoberera.

Lukka 5:5, 6

Simooni n'addamu n'agamba nti Omwami, twateganye okukeesa obudde ne tutakwasa kintu: naye olw'ekigambo kyo nnaasuula emigonjo. Awo bwe baakola bwe batyo, ne bakwasa ebyennyanja bingi nnyo nnyini; emigonjo gyabwe ne gyagala okukutuka.

### Abaebbulaniya 1:2

Katonda . . . mu nnaku zino ez'oluvannyuma yayogerera naffe mu Mwana, gwe yassaawo okuba omusika wa byonna, era gwe yatonza ebintu byonna.

### Abaruumi 14:9

Kubanga Kristo kyeyava afa n'abeera omulamu, alyoke abeerenga Mukama w'abafu era n'abalamu.

### Abakkolosaayi 1:16

Kubanga mu oyo ebintu byonna mwe byatonderwa, mu ggulu ne ku nsi, ebirabika n'ebitalabika, oba nga ntebe za bwakabaka, oba bwami, oba kufuga, oba masaza; ebintu byonna byatondebwa ye, era ne ku lulwe.

### Yokaana 1:3

Ebintu byonna byakolebwa ku bw'oyo; era awataali ye tewaakolebwa kintu na kimu ekyakolebwa.

### 1 Abakkolinso 1:9

Katonda mwesigwa, eyabayisa okuyingira mu kusseekimu kw'Omwana we Yesu Kristo Mukama waffe.

### Ebikolwa By'Abatume 2:36

Kale mazima bamanye ennyumba yonna eya Isiraeri nti Katonda yamufuula Mukama era Kristo, Yesu oyo gwe mwakomerera.

Ku lunaku Katonda kw'alisalira omusango gw'ebyama by'abantu, ng'enjiri yange bw'eri, ku bwa Yesu Kristo. —Abaruumi 2:16

Matayo 25:32

N'amawanga gonna galikuŋŋaanyizibwa mu maaso ge; naye alibayawulamu ng'omusumba bw'ayawulamu endiga n'embuzi.

Kubanga Kitange n'okusala tasalira muntu musango, naye yawa Omwana okusala omusango gwonna. —Yokaana 5:22

Abaruumi 14:10

Naye ggwe kiki ekikusaliza omusango muganda wo? oba naawe kiki ekikunyoomesa muganda wo? kubanga fenna tuliyimirira mu maaso g'entebe ey'emisango eya Katonda.

Nkukuutirira mu maaso ga Katonda ne Kristo Yesu, alisalira omusango abalamu n'abafu, era n'olw'okulabika kwe n'obwakabaka bwe. —2 Timoseewo 4:1

Ebikolwa By'Abatume 10:42

N'atulagira okubuulira abantu n'okutegeeza ng'oyo Katonda gwe yalagira okubeera omusazi w'omusango w'abalamu n'abafu.

Olugali lwe luli mu mukono gwe, okulongoosa ennyo egguuliro lye, n'okukuŋŋaanyiza eŋŋaano mu ggwanika lye; naye ebisusunku alibyokya n'omuliro ogutazikira. —Lukka 3:17

Yokaana 10:9

Nze mulyango: omuntu bw'ayingirira mu nze alirokoka, aliyingira, alifuluma, aliraba eddundiro.

Yokaana 14:6

Yesu n'amugamba nti Nze kkubo, n'amazima n'obulamu: tewali ajja eri Kitange, wabula ng'ayita mu nze.

Yokaana 8:24

Kyennava mbagamba nti Mulifira mu bibi byammwe. Kubanga bwe mutakkiriza nga nze wuuyo, mulifiira mu bibi byammwe.

Abaebbulaniya 5:9

Awo bwe yamala okutuukiriziбwa, n'afuuka ensonga y'obulokozi obutaggwaawo eri abo bonna abamuwulira.

Abaebbulaniya 7:25

Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolerezanga.

Ebikolwa By'Abatume 4:12

So tewali mu mulala bulokozi, kubanga tewali na linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola.

1 Abasessaloniika 5:9

Kubanga ffe Katonda teyatuteekerawo busungu, wabula okuweebwa obulokozi ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo.

Abakkolosaayi 1:12-14

Nga mwebaza Kitaffe, eyatusaanyiza ffe omugabo ogw'obusika obw'abatukuvu mu musana, eyatulokola mu buyinza obw'ekizikiza, n'atutwala mu bwakabaka obw'Omwana we omwagalwa; mwe tubeerera n'okununulwa, kwe kusonyiyibwa kw'ebibi byaffe.

Lukka 19:10

Kubanga Omwana w'omuntu yajja okunoonya n'okulokola ekyo ekyabula.

1 Abakkolinso 1:30

Naye ku bw'oyo mmwe muli mu Kristo Yesu, eyafuuka amagezi gye tuli okuva eri Katonda, era n'obutuukirivu, n'okutukuzibwa, n'okununulibwa.

Tito 2:14

Eyeewaayo ku lwaffe, alyoke atununule mu bujeemu bwonna, era yeerongooseze eggwanga ery'envuma, erinyiikirira ebikolwa ebirungi.

Okubikkulirwa 5:9

Ne bayimba oluyimba oluggya, nga boogera nti Osaanidde okutoola ekitabo n'okubembula obubonero bwakyo: kubanga wattibwa n'ogulira Katonda olw'omusaayi gwo mu buli kika n'olulimi n'abantu n'eggwanga.

**Abaruumi 5:9**

Kale okusinga ennyo kaakano bwe twaweebwa obutuukirivu olw'omusaayi gwe, tugenda kulokoka mu busungu ku bubwe.

**Abaefeso 1:7**

Eyatuweesa okununulibwa kwaffe olw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebyonoono byaffe, ng'obugagga obw'ekisa kye bwe buli.

**1 Yokaana 1:7**

Naye bwe tutambulira mu musana, nga ye bw'ali mu musana, tussa kimu fekka na fekka, n'o'musaayi gwa Yesu Omwana we gutunaazaako ekibi kyonna.

**1 Peetero 1:18, 19**

Nga mumanyi nga temwanunulibwa na bintu ebggwaawo, ffeeza oba zaabu, mu mpisa zammwe ezitaliimu ze mwaweebwa bajjajjammwe; wabula n'omusaayi ogw'omuwendo omungi, ng'ogw'omwana gw'endiga ogutaliiko bulema newakubadde ebbala, ye Kristo.

**Abaebbulaniya 9:14**

Omusaayi gwa Kristo, eyeewaayo yekka olw'Omwoyo ataggwaawo eri Katonda nga taliiko bulema, tegulisinga nnyo okunaaza omwoyo gwammwe mu bikolwa ebifu okuweereza Katonda omulamu?

Abaefeso 2:8, 9

Kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwava gye muli: kye kirabo kya Katonda: tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga.

Abaruumi 5:1

Kale bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza, tubeerenga n'emirembe eri Katonda ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo.

Abaggalatiya 5:6

Kubanga mu Kristo Yesu okukomolebwa tekulina maanyi newakubadde obutakomolebwa, wabula okukkiriza okukola olw'okwagala.

1 Yokaana 5:4

Kubanga buli ekyazaalibwa Katonda kiwangula ensi; era kuno kwe kuwangula okwawangula ensi, okukkiriza kwaffe.

Yokaana 20:31

Naye buno bwawandiikibwa, mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo, Omwana wa Katonda; era bwe mukkiriza mube n'obulamu mu linnya lye.

Yokaana 6:28, 29

Awo ne bamugamba nti Tugire tutya okukola emirimu gya Katonda? Yesu n'addamu n'abagamba nti Guno gwe mulimu gwa Katonda, okukkiriza oyo gwe yatuma.

**Zabbuli 103:11**

Kuba eggulu nga bwe liri waggulu okusinga ensi, n'okusaasira kwe bwe kuli okungi bwe kutyo eri abo abamutya.

**Zabbuli 103:17**

Naye okusaasira kwa Mukama kwava mu mirembe gyonna era kulituuka mu mirembe gyonna eri abamutya, n'obutuukirivu bwe eri abaana b'abaana.

**Mikka 7:18**

Ani Katonda nga ggwe asonyiwa obubi, ayita ku kwonoona okw'abasigalawo ab'obutaka bwe? talemera mu busungu bwe emirembe gyonna kubanga asanyukira okusaasira.

**Zabbuli 108:4**

Kubanga okusaasira kwo kungi, kusinga eggulu: n'amazima go gatuuka mu ggulu.

**Okukungubaga 3:22, 23**

Kwe kusaasira kwa Mukama ffe obutamalwawo, kubanga ekisa kye tekiggwaawo. Kiba kiggya buli nkya; obwesigwa bwo bungi.

**Tito 3:5**

N'atulokola, si lwa bikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola ffe wabula olw'okusaasira kwe, olw'okunaazibwa okw'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri n'okufuulibwa abaggya Omwoyo Omutukuvu.

Matayo 11:28

Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza.

Isaaya 55:1

Mukale, buli muntu alumiddwa ennyonta, mujje eri amazzi, n'oyo atalina bigula; mujje mugule mulye; weewaawo, mujje, mugule omwenge n'amata awatali bigula awatali muwendo.

Isaaya 1:18

Mujje nno, tuteese fembi, bw'ayogera Mukama: ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyufu, binaaba byeru ng'omuzira; ne bwe bitwakaala ng'ebendera, binaaba ng'ebyoya by'endiga.

Okubikkulirwa 22:17

Era Omwoyo n'omugole booge-ra nti Jjangu. Naye awulira ayogere nti Jjangu. Naye alina ennyonta ajje: ayagala atwale amazzi ag'obulamu buwa.

2 Abakkolinso 5:20

Kyetuva tubeera ababaka mu kifo kya Kristo, Katonda ng'afaanana ng'abeegayirira mu ffe: tubeegayirira mu kifo kya Kristo mutabagane ne Katonda.

Yokaana 7:37

Naye ku lunaku olw'enkomerero, lwe lukulu olw'embaga, Yesu yayimirira n'ayogerera waggulu, n'agamba nti Omuntu bw'alumwa ennyonta, ajje gye ndi anywe.

1 Yokaana 3:10

Ku kino abana ba Katonda n'abaana ba Setaani kwe balabikira: buli muntu yenna atakola butuukirivu si wa Katonda, newakubadde atayagala muganda we.

Abaruumi 8:14, 15

Kubanga bonna abakulemberwa Omwoyo gwa Katonda, abo be baana ba Katonda. Kubanga temwaweebwa nate mwoyo gwa buddu okutya, naye mwaweebwa Omwoyo ow'okufuuka abaana, atukaabya nti Aba, Kitaffe.

Abafiripi 2:15

Mulemenga okubaako kye munenyezebwa newakubadde ettima, abaana ba Katonda abatalina mabala wakati w'emirembe egyakyama emikakanyavu, gye mulabikiramu ng'ettabaaza z'omu nsi.

2 Abakkolinso 6:17, 18

Kale Muke wakati w'abo, mweyawule, bw'ayogera Mukama, so temukomanga ku kintu ekitali kirongoofu: nange ndibasembeza, era nnaabeeranga Kitammwe gye muli, Nammwe munaabeeranga gye ndi abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala, bw'ayogera Mukama Omuyinza w'ebintu byonna.

Yokaana 1:12

Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye.

# KATONDA KY'AGAMBA KU KUNYWA EKITAMIIZA

Isaaya 5:11

Zibasanze abo abakeera enkya mu makya okugolokoka, bagoberere ekitamiiza; abalwawo ekiro okutuusa ettumbi omwenge ne gubalalusa!

Abaggalatiya 5:19-21

Naye ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino, obwenzi, empitambi, obukaba, okusinza ebifaananyi, okuloga, obulabe, okuyomba, obuggya, obusungu, empaka, okweyawula, okwesalamu, ettima, obutamiivu, ebinyumu, n'ebiri ng'ebyo: nsooka okubabuulira ku ebyo, nga bye nnasooka okubabuulira, nti bali abakola ebiri ng'ebyo tebalisikira bwakabaka bwa Katonda.

Abaruumi 13:13, 14

Tutambulenga nga tuwoomye nga mu musana, si mu binyumu ne mu mbaga ez'okutamiiranga, si mu bwenzi n'obukaba, si mu kuyombanga n'obuggya. Naye mwambale Mukama waffe Yesu Kristo, so temutegekeranga mubiri, olw'okwegomba.

Totunuuliranga mwenge nga gumyuse, bwe gwolesanga ebbala lyagwo mu kikompe, bwe gukka empola: enkomerero guluma ng'omusota, gusonsomola ng'embalasaasa. —Engero 23:31, 32

Matayo 22:37, 38

Naye n'amugamba nti Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna. Kino kye kiragiro ekikulu eky'olubereberye.

Bwe yali ng'agenda mu kkubo, omu n'ajja gy'ali ng'addukana, n'amufukaamirira, n'amubuuza nti Omuyigiriza omulungi, naakola ntya okusikira obulamu obutaggwaawo? Yesu n'amugamba nti Ompitira ki omulungi? tewali mulungi wabula omu, ye Katonda. Omanyi amateeka, Tottanga, Toyendanga, Tobbanga, Towaayirizanga, Tolyazaamaanyanga, Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko. N'amugamba nti Omuyigiriza, ebyo byonna nnabikwata okuva mu buto bwange. Yesu bwe yamutunuulira n'amwagala, n'amugamba nti Oweebuuseeko ekigambo kimu: genda otunde byonna by'oli nabyo, ogabire abaavu, naawe oliba n'obugagga mu ggulu: olyoke ojje ongoberere. Naye n'atokooterera olw'ekigambo ekyo, n'agenda ng'anakuwadde; kubanga yali alina ebintu bingi. —Makko10:17-22

Engero 16:25

Waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi, naye enkomerero yaalyo makubo ga kufa.

### Abaefeso 5:6

Omuntu yenna tabalimbanga n'ebigambo ebitaliimu: kubanga olw'ebyo obusungu bwa Katonda bujja ku baana abatawulira.

### Yakobo 1:22

Naye mubeerenga bakozi ba kigambo, so si bawulizi buwulizi, nga mwerimbalimba.

### 1 Abakkolinso 6:9, 10

Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebalisikira bwakabaka bwa Katonda? Temulimbibwanga: newakubadde abakaba, newakubadde abasinza ebifaananyi, newakubadde abenzi, newakubadde abafuuka abakazi, newakubadde abalya ebisiyaga, newakubadde ababbi, newakubadde abeegombi, newakubadde abatamiivu, newakubadde abavumi, newakubadde abanyazi, tebalisikira bwakabaka bwa Katonda.

### 1 Yokaana 3:7, 8

Abaana abato, omuntu yenna tabakyamyanga; akola obutuukirivu ye mutuukirivu, nga ye bw'ali omutuukirivu; akola ekibi wa Setaani; kubanga okuva ku lubereberye Setaani akola ebibi.

### Abaggalatiya 6:3

Kubanga omuntu bwe yeerowoozanga okuba ekintu, nga si kintu nga yeerimbalimba.

### Abaruumi 5:12

Olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna, kubanga bonna baayonoona.

### Yakobo 1:15

Okwegomba okwo ne kulyoka kuba olubuto ne kuzaala okwonoona: n'okwonoona okwo, bwe kumala okukula ne kuzaala okufa.

### Abaruumi 8:6

Kubanga okulowooza kw'omubiri kwe kufa; naye okulowooza kw'omwoyo bwe bulamu n'emirembe.

### Ezeekyeri 18:20

Emmeeme eyonoona ye erifa: omwana talibaako butali butuukirivu bwa kitaawe, so ne kitaawe talibaako butali butuukirivu bwa mwana we; obutuukirivu obw'omutuukirivu buliba ku ye, n'obubi obw'omubi buliba ku ye.

### Lukka 15:32

Naye okujaguza n'okusanyuka kwa nsonga: kubanga muganda wo oyo yaii afudde, azuukidde; era yali azaaye, azaawuse.

### Engero 11:19

Anywerera mu butuukirivu ye alituuka mu bulamu: n'oyo agoberera obubi yetta yekka.

Lukka 7:14, 15

N'asembera n'akoma ku lunnyo: bali abaali beetisse ne bayimirira. N'agamba nti Omulenzi, nkugamba nti Golokoka. Oyo eyali afudde n'agolokoka, n'atuula n'atanula okwogera.

Yokaana 11:43, 44

Bwe yamala okwogera bw'ati, n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene nti Lazaalo, fuluma ojje. Eyali afudde n'afuluma, ng'azingiddwa mu mabugo amagulu n'emikono; . . .

Yokaana 10:17, 18

Kitange kyava anjagala, kubanga nze mpaayo obulamu bwange, ndyoke mbutwale ate. Tewali abunziyako, naye nze nzekka mbuwaayo. Nnina obuyinza obw'okubuwaayo, era nnina obuyinza obw'okubutwala nate. Ekiragiro ekyo nakiweebwa Kitange.

Okubikkulirwa 1:18

Era Omulamu; era nnali nfudde, era, laba, ndi mulamu emirembe n'emirembe, era nnina ebisumuluzo eby'okufa n'eby'Emagombe.

Kubanga nnasooka okubawa mmwe era kye nnaweebwa, nga Kristo yafa olw'ebibi byaffe ng'ebyawandiikibwa bwe byogera; era nga yaziikibwa; era nga yazuukizibwa ku lunaku olẁ'okusatu ng'ebyawandiikibwa bwe byogera. —1 Abakkolinso 15:3, 4

Ekyamateeka Olw'okubiri 5:7-21

Tobanga na bakatonda balala we ndi.

Tweekoleranga kifaananyi kyole, ekifaananyi ky'ekintu kyonna ekiri mu ggulu waggulu, newakubadde wansi ku ttaka, newakubadde mu mazzi agali wansi w'ettaka: tobivuunamiranga, so tobiweerezanga . . . .

Tolayiriranga bwereere linnya lya Mukama Katonda wo: kubanga Mukama talimulowooza nga taliiko musango omuntu alayirira obwereere erinnya lye. Okwatanga olunaku olwa ssabbiiti okulutukuza, nga Mukama Katonda wo bwe yakulagira. Ennaku omukaaga okolanga n'omala emirimu gyo gyonna . . . .

Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa, nga Mukama Katonda wo bwe yakulagira: ennaku zo zibe: nnyingi, era olabe ebirungi ku nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa.

Tottanga.

So toyendanga.

So tobbanga.

So towaayirizanga muntu munno.

So teweegombanga mukazi wa muntu munno, so toyaayaaniranga nnyumba ya muntu munno, newakubadde ennimiro ye, newakubadde omuddu we, newakuba-

dde omuzaa we, newakubadde ente ye newakubadde endogoyi ye, newakubadde ekintu kyonna ekya muntu munno.

## TOYINZA KWEKWEKA KATONDA 

Yobu 34:21, 22

Kubanga amaaso ge gatunuulira amakubo ag'omuntu, era alaba okutambula kwe kwonna. Tewali kizikiza newakubadde ekisiikirize eky'okufa, abakola ebitali bya butuukirivu we bayinza okwekweka.

Engero 15:3

Amaaso ga Mukama gaba mu buli kifo, nga galabirira ababi n'abalungi.

Zabbuli 139:8, 12

Bwe nnaalinnya mu ggulu, nga gy'oli: bwe nnaayala obuliri bwange mu magombe, laba, nga gy'oli. . . . Newakubadde enzikiza teyeekisa eri ggwe, naye ekiro kyaka ng'omusana: Kubanga enzikiza n'omusana bifanana w'oli.

Yeremiya 23:24

Waliwo ayinza okwekweka mu bifo eby'ekyama ne simulaba? bw'ayogera Mukama. Sijjula ggulu n'ensi? bw'ayogera Mukama.

Lukka 8:17

Kubanga tewali kigambo ekyakisibwa ekitalirabisibwa; newakubadde ekyakwekebwa ekitalimanyibwa ne kirabika mu lwatu.

# EKIBONEREZO EKY'EMIREMBE N'EMIREMBE EKY'ABATATYA KATONDA

2 Peetero 3:7

Naye eggulu erya kaakano n'ensi olw'ekigambo ekyo biterekeddwa omuliro, nga bikuumibwa okutuusa ku lunaku olw'omusango n'okuzikirira kw'abantu abatatya Katonda.

Zabbuli 9:17

Ababi balidda mu magombe. Ge mawanga gonna ageerabira Katonda.

Matayo 18:8

Oba ng'omukono gwo oba kugulu kwo nga kukwesittaza, kutemeko, okusuule wala: kye kirungi oyingire mu bulamu ng'obuzeeko omukono oba kugulu, okusinga okusuulibwa mu muliro ogw'emirembe n'emirembe, ng'olina emikono gyombi oba amagulu gombi.

Matayo 25:46

Ne bano baligenda mu kibonerezo ekitaggwaawo; naye abatuukirivu baligenda mu bulamu obutaggwaawo.

Matayo 13:41, 42

Omwana w'omuntu alituma bamalayika be, nabo baliggyamu mu bwakabaka bwe ebintu byonna ebisittaza, n'abo abakola obubi, balibasuula mu kikoomi eky'omuliro: mwe muliba okukaaba amaziga n'okuluma obujiji.

Ebikolwa By'Abatume 17:31

Kubanga yateekawo olunaku lw'agenda olusaliramu omusango ogw'ensonga ensi zonna mu muntu gwe yayawulamu, bwe yamala okuwa bonna ekikkirizisa bwe yamuzuukiza mu bafu.

2 Peetero 2:9

Mukama waffe amanyi okulokola abatya Katonda mu kukemebwa, n'okukuuma abatali batuukirivu nga babonerezebwa okutuusa ku lunaku olw'omusango.

1 Yokaana 4:17

Mu ekyo okwagala mwe kutuukirizibwa gye tuli, tubeere n'obugumu ku lunaku olw'omusango; kuba ye nga bw'ali, naffe bwe tuli mu nsi muno.

Abaebbulaniya 9:27

Era ng'abantu bwe baterekerwa okufa omulundi ogumu, oluvannyuma lw'okwo musango.

2 Abakkolinso 5:10

Kubanga ffe fenna kitugwanira okulabisibwa Kristo w'alisalira emisango; buli muntu aweebwe bye yakola mu mubiri, nga bwe yakola, oba birungi oba bibi.

Abarumi 14:12

Kale bwe kityo buli muntu mu ffe alibalirira omuwendo gwe yekka eri Katonda.

Abaruumi 9:16

Kale bwe kityo si ky'oyo ayagala newakubadde addukana, wabula kya Katonda asaasira.

Kubanga Katonda aziyiza ab'amalala, naye abawombeefu abawa ekisa. —1 Peetero 5:5

Ebikolwa By'Abatume 4:33

N'amaanyi mangi abatume ne boogeranga okutegeeza kwabwe okw'okuzuukira kwa Mukama waffe Yesu. N'ekisa kingi ne kibeeranga ku bo bonna.

Abaruumi 5:15

Naye ng'okwonoona kuli bwe kwali, era n'ekirabo tekyali bwe kityo. Kuba obanga olw'okwonoona kw'omu abaafa bangi, okusinga ennyo ekisa kya Katonda n'ekirabo olw'ekisa ky'omuntu oli omu Yesu Kristo kyasukkirira okubuna abangi.

Kubanga mutegeera ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga, naye n'afuuka omwavu ku lwammwe, obwavu bwe bulyoke bubagaggawaze mmwe. —2 Abakkolinso 8:9

2 Abakkolinso 9:15

Katonda yeebazibwe olw'ekirabo kye ekitayogerekeka.

Tito 3:7

Nga tumaze okuweebwa obutuukirivu olw'ekisa kye oyo, tulyoke tufuuke abasika mu kusuubira obulamu obutaggwaawo.

Ebikolwa By'Abatume 17:30

Kale Katonda ebiro ebyo eby'obutamanya teyabitunuuliranga; naye kaakano alagira abantu bonna abali wonna wonna okwenenya.

Lukka 13:3

Mbagamba nti Si bwe kityo: naye bwe muteenenya, mulizikirira mwenna bwe mutyo.

Ebikolwa By'Abatume 3:19

Kale mwenenye, mukyuke, ebibi byammwe bisangulibwe, ebiro eby'okuwummuzibwa mu masso ga Mukama bituuke.

Ebikolwa By'Abatume 2:38

Peetero n'abagamba nti Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo okuggibwako ebibi byammwe, munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu.

2 Abakkolinso 7:10

Kubanga okunakuwala eri Katonda kuleeta okwenenya okw'obulokozi okutejjusibwa: naye okunakuwala okw'omu nsi kuleeta okufa.

Matayo 3:2

Ng'agamba nti Mwenenye; kubanga obwakabaka obw'omu ggulu bunaatera okutuuka.

Abikka ku kusobya kwe taliraba mukisa: Naye buli akwatula n'akuleka alifuna okusaasirwa. —Engero 28:13

Matayo 6:14

Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe, Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga nammwe.

Ezeekyeri 18:21

Naye omubi bw'akyukanga okuleka ebibi bye byonna bye yakola n'akwata amateeka gange gonna, n'akola ebyalagirwa eby'ensonga, talirema kuba mulamu, talifa.

Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange. —Okubikkulirwa 3:20

Isaaya 55:7

Omubi aleke ekkubo lye, n'omuntu atali mutuukirivu aleke ebirowoozo bye: era akomewo eri Mukama, naye anaamusaasira; adde eri Katonda waffe, kubanga anaasonyiyira ddala nnyo.

Ebikolwa By'Abatume 5:31

Oyo Katonda yamulinnyisa ku mukono gwe ogwa ddyo okubeera omukulu era omulokozi, okuwaayo eri Isiraeri okwenenya n'okuggibwako ebibi.

Makko 2:5

Yesu bwe yalaba okukkiriza kwabwe n'agamba akoozimbye nti Mwana wange, ebibi byo bikuggiddwako.

Abakkolosaayi 3:2

Mulowoozenga ebiri waggulu, so si ebiri ku nsi.

Tito 2:11, 12

Kubanga ekisa kya Katonda kirabise, nga kireetera abantu bonna obulokozi, nga kitubuulirira okugaananga obutatya Katonda n'okwegomba okw'omu nsi, tulyoke tubeerenga abalamu mu mirembe egya kaakano mu kwegendereza n'obutuukirivu n'okutya Katonda.

1 Yokaana 2:15, 16

Temwagalanga nsi newakubadde ebiri mu nsi. Omuntu yenna bw'ayagala ensi, okwagala kwa Kitaffe tekuba mu ye. Kubanga buli ekiri mu nsi, okwegomba kw'omubiri, n'okwegomba kw'amaaso, n'okwegulumiza kw'obulamu okutaliimu, tebiva eri Kitaffe, naye biva eri ensi.

Abaefeso 5:11

So temussanga kimu n'ebikolwa ebitabala eby'ekizikiza, naye waakiri mubibuulirirenga bubuulirizi.

Yakobo 4:4

Mmwe abakazi abenzi temumanyi ng'omukwano gw'ensi bwe bulabe bwa Katonda? Kale, omuntu yenna bw'ayagala okubeera mukwano gw'ensi yeefuula mulabe wa Katonda.

Ezeekyeri 36:26
Era ndibawa n'omutima omuggya, ne nteeka omwoyo omuggya munda mu mmwe: era ndiggya omutima ogw'ejjinja mu mubiri gwammwe ne mbawa omutima ogw'ennyama.

1 Yokaana 2:29
Oba nga mumanyi nga mutuukirivu, era mutegeera nga buli muntu yenna akola obutuukirivu yazaalibwa ye.

2 Abakkolinso 5:17
Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.

1 Yokaana 5:18
Tumanyi nga buli muntu yenna eyazaalibwa Katonda takola kibi; naye eyazaalibwa Katonda amukuuma, omubi n'atamukomako.

Yokaana 3:3
Yesu n'addamu n'amugamba nti Ddala ddala nkugamba nti Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwa kubiri tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda.

1 Peetero 1:23
Bwe mwazaalibwa omulundi ogw'okubiri, si na nsigo eggwaawo, wabula eteggwaawo, n'ekigambo kya Katonda ekiramu eky'olubeerera.

# OMUFU ERI EKIBI — AZUUKIRIDDE MU KRISTO

Abaefeso 2:1, 6

Era nammwe yabazuukiza bwe mwali nga mufiiridde mu byonoono n'ebibi byammwe, . . . n'atuzuukiza wamu naye, n'atutuuza wamu mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo Yesu.

Abakkolosaayi 3:1

Kale oba nga mwazuukirira wamu ne Kristo, munoonyenga ebiri waggulu, Kristo gy'ali ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.

1 Peetero 2:24

Eyeetikka ye yennyini ebibi byaffe mu mubiri gwe ku muti, ffe nga tumaze okufa ku bibi, tulyoke tubeerenga abalamu eri obutuukirivu; okukubibwa kw'oyo kwe kwabawonya.

Abaggalatiya 5:24

N'abo aba Kristo Yesu baakomerera omubiri wamu n'okukwatibwa n'okwegomba kwagwo.

Abaruumi 6:2, 11

Abaafa ku kibi, tunaabeeranga tutya abalamu mu kyo nate? . . . Bwe mutyo nammwe mwerowoozenga okubeera abafa ku kibi, naye abalamu eri Katonda mu Kristo Yesu.

Abaggalatiya 6:8

Kubanga asigira omubiri gwe ye, alikungula mu mubiri okuvunda; naye asigira Omwoyo, alikungula mu Mwoyo obulamu obutaggwaawo.

Yokaana 3:14, 15

Nga Musa bwe yawanika omusota mu ddungu, bwe kityo n'Omwana w'omuntu kimugwanira okuwanikibwa: buli muntu yenna amukkiriza abeere n'obulamu obutaggwaawo mu ye.

Yokaana 17:3

Buno bwe bulamu obutaggwaawo, okutegeera ggwe Katonda omu ow'amazima, n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo.

Yokaana 3:36

Akkiriza Omwama alina obulamu obutaggwaawo; naye atakkiriza Mwana, taliraba bulamu, naye obusungu bwa Katonda bubeera ku ye.

Abaruumi 6:23

Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe.

Yokaana 5:24

Ddala ddala mbagamba nti Awulira ekigambo kyange, n'akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggwaawo, so talijja mu musango, naye ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu.

Isaaya 32:17

N'omulimu gw'obutuukirivu guliba mirembe; era obutuukirivu bulireeta okutereera n'okwesiganga ennaku zonna.

Abaggalatiya 4:6

Era kubanga muli baana, Katonda yatuma Omwoyo gw'Omwana we mu mitima gyaffe, ng'akaaba nti Aba, Kitaffe.

Abaruumi 8:16

Omwoyo yennyini wamu n'omwoyo gwaffe ategeeza nga tuli baana ba Katonda.

1 Yokaana 3:18, 19

Abaana abato, tuleme okwagalanga mu kigambo ne mu lulimi, wabula mu kikolwa ne mu mazima. Ku kino kwe tunaategeereranga nga tuli ba mazima ne tukkakkanya omutima gwaffe mu maaso ge.

1 Yokaana 2:3

Era ku kino kwe tutegeerera nga tumutegedde, bwe tukwata ebiragiro bye.

Yokaana 14:21

Alina ebiragiro byange, n'abikwata, oyo nga ye anjagala: anjagala anaayagalibwanga Kitange, nange nnaamwagalanga, nnaamulabikiranga.

1 Yokaana 4:13

Ku kino kwe tutegeerera nga tubeera mu ye, naye mu ffe, kubanga yatuwa ku Mwoyo gwe.

# KRISTO BW'ABEERA MUNDA AGABA ESSANYU

Yokaana 17:13

Naye kaakano njija gy'oli; na bino mbyogera mu nsi babe n'essanyu lyange nga lituukiridde mu bo.

Abaruumi 14:17

Kubanga obwakabaka bwa Katonda si kwe kulya n'okunywa, wabula butuukirivu na mirembe na ssanyu mu Mwoyo Omutukuvu.

Abaggalatiya 2:20

Nnakomererwa wamu ne Kristo; naye ndi mulamu; si ku bwange nate, naye Kristo ye mulamu mu nze: era obulamu bwe nnina kaakano mu mubiri, mbulina lwa kukkiriza Omwana wa Katonda eyanjagala ne yeewaayo ku lwange.

Isaaya 12:3

Kyemunaavanga musenanga n'essanyu amazzi mu nzizi ez'obulokozi.

Yokaana 15:11

Ebyo mbibagambye, essanyu lyange libeerenga mu mmwe, era essanyu lyammwe lituukirire.

Zabbuli 16:11

Onondaganga ekkubo ery'obulamu: Gy'oli waliwo essanyu erituukirira; mu mukono gwo ogwa ddyo mwe muli ebisanyusa emirembe n'emirembe.

1 Samwiri 12:15

Naye bwe mutaawulirenga ddoboozi lya Mukama, naye ne mujeemeranga ekiragiro kya Mukama, awo omukono gwa Mukama gunaalwananga nammwe nga bwe gwalwananga ne bajjajjammwe.

Kubanga abawulira obuwulizi amateeka si be batuukirivu eri Katonda, naye abakola eby'amateeka be baliweebwa obutuukirivu. —Abaruumi 2:13

Era nammwe ababonyaabonyezebwa okubasasula okwesiima awamu naffe, mu kubikkulibwa kwa Mukama waffe Yesu okuva mu ggulu awamu ne bamalayika ab'obuyinza bwe, mu muliro ogwaka, ng'awalana eggwanga abatamanyi Katonda, n'abo abatagondera njiri ya Mukama waffe Yesu: abalibonerezebwa, kwe kuzikirira emirembe n'emirembe okuva mu maaso ga Mukama waffe ne mu kitiibwa ky'amaanyi ge. —2 Abasessaloniika 1:7-9

Ekyamateeka Olw'okubiri 11:26-28

Laba, leero, nteeka mu masso gammwe omukisa n'okukolimirwa; omukisa bwe munaawuliranga ebiragiro bya Mukama Katonda wammwe, bye mbalagira leero: n'okukolimirwa, bwe mutaawulirenga biragiro bya Mukama Katonda wammwe.

### Abafiripi 2:11

Era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama waffe, Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa.

### Abaruumi 10:9, 10

Kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka: kubanga omuntu akkiriza na mutima okuweebwa obutuukirivu, era ayatula na kamwa okulokoka.

### Lukka 9:26

Kubanga buli ankwatirwa ensonyi nze n'ebigambo byange, oyo n'Omwana w'omuntu alimukwatirwa ensonyi, lw'alijjira mu kitiibwa kye ne mu kya Kitaawe ne mu kya bamalayika abatukuvu.

### 1 Yokaana 2:23

Buli muntu yenna agaana Omwana, ne Kitaffe nga tali naye; ayatula Omwana, ne Kitaffe ali naye.

### Matayo 10:32, 33

Kale buli muntu yenna alinjatulira mu maaso g'abantu, nange ndimwatulira mu maaso ga Kitange ali mu ggulu. Naye yenna alinneegaanira mu maaso g'abantu, nange ndimwegaanira mu maaso ga Kitange ali mu ggulu.



Mutamiirukukenga, mutunulenga; omulabe wammwe Setaani atambulatambula, ng'empologoma ewuluguma, ng'anoonya gw'anaalya. —1 Peetero 5:8

Ebikolwa By'Abatume 26:18

Bakyuke okuva mu kizikiza badde eri omusana n'okuva mu buyinza bwa Setaani badde eri Katonda, balyoke baweebwe okuggibwako ebibi n'obusika mu abo abatukuzibwa olw'okukkiriza nze.

Matayo 4:1, 10, 11

Awo Yesu n'atwalibwa Omwoyo mu ddungu okukemebwa Setaani. . . . Awo Yesu n'amugamba nti Vaawo genda, Setaani: kubanga kyawandiikibwa nti Osinzanga Mukama Katonda wo, era omuweerezanga yekka. Awo Setaani n'amuleka; laba, bamalayika ne bajja, ne bamuweereza.

Naye okujja kw'oyo kuli mu kukola kwa Setaani n'amaanyi gonna n'obubonero n'eby'amagero eby'obulimba. —2 Abasessaloniika 2:9

Mwambalenga ebyokulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke muyinzenga okuyimirira eri enkwe za Setaani.—Abaefeso 6:11

Setaani alemenga kutwekulumbalizaako: kubanga tetuli ng'abatategeera nkwe ze.
—2 Abakkolinso 2:11

2 Abasessaloniika 2:8
Awo omujeemi oli n'alyoka abikkuka, Mukama waffe Yesu gw'alitta n'omukka ogw'omu kamwa ke, era gw'alizikiriza n'okulabisibwa kw'okujja kwe.

Yakobo 4:7, 8
Kale mujeemulukukirenga Katonda; naye mulwanenga ne Setaani, naye anaabaddukanga. Musembererenga Katonda, naye anaabasembereranga mmwe.

Abaebbulaniya 2:14
Kale kubanga abaana bagatta omusaayi n'omubiri, era naye yennyini bw'atyo yagatta ebyo; olw'okufa alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi ag'okufa, ye Setaani.

Abaruumi 8:35, 37
Ani alitwawukanya n'okwagala kwa Kristo? kulaba nnaku, oba kulumwa, oba kuyigganyizibwa, oba njala, oba kuba bwereere, oba kabi, oba kitala? . . . Naye mu ebyo byonna tuwangudde n'okukirawo ku bw'oyo eyatwagala.

1 Yokaana 3:8
Akola ekibi wa Setaani; kubanga okuva ku lubereberye Setaani akola ebibi. Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setaani.

# OKWAGALA, KE KABONERO K'OBUYIGIRIZWA 37

1 Yokaana 4:20

Omuntu bw'ayogera nti Njagala Katonda, n'akyawa muganda we, mulimba; kubanga atayagala muganda we gwe yali alabyeko, Katonda gw'atalabangako tayinza kumwagala.

Bwe njogera n'ennimi z'abantu n'eza bamalayika, naye ne ssiba na kwagala, nga nfuuse ekikomo ekivuga n'ebitaasa ebisaala. —1 Abakkolinso 13:1

Yokaana 21:16

N'amugamba nate omulundi ogw'okubiri nti Simooni, omwana wa Yokaana, onjagala? N'amugamba nti Weewaawo, Mukama wange; ggwe omanyi nga nkwagala. N'amugamba nti Lundanga endiga zange.

Yokaana 13:35

Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka.

Abaggalatiya 5:22, 23

Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, okusanyuka, emirembe, okugumiikiriza, ekisa, obulungi, okukkiriza, obuwombeefu, okwegendereza.

1 Yokaana 3:14

Ffe tumanyi nga twava mu kufa ne tuyingira mu bulamu, kubanga twagala ab'oluganda. Atayagala abeera mu kufa.

Ebikolwa By'Abatume 10:39-41

Naffe tuli bajulirwa b'ebigambo byonna bye yakola mu nsi y'Abayudaaya ne mu Yerusaalemi; oyo ne bamutta bwe baamuwanika ku muti. Oyo Katonda n'amuzuukiriza ku lunaku olw'okusatu n'amulaga mu lwatu, si mu bantu bonna naye mu bajulirwa Katonda be yalonda olubereberye, be ffe abaalya ne tunywa naye bwe yamala okuzuukira mu bafu.

Yokaana 20:26-28

Oluvannyuma nga wayiseewo ennaku munaana, ate abayigirizwa be baali munda, ne Tomasi ng'ali nabo, Yesu n'ajja, enzigi nga ziggaddwawo, n'ayimirira wakati mu bo n'agamba nti Emirembe gibe mu mmwe. Awo n'agamba Tomasi nti Leeta wano olunwe lwo olabe ebibatu byange; era oleete n'omukono gwo, ogusse mu mbiriizi zange; oleme okuba atakkiriza naye akkiriza. Tomasi n'addamu n'amugamba nti Ggwe Mukama wange, era Katonda wange.

Makko 16:9

Awo bwe yamala okuzuukira mu makya ku lunaku olw'olubereberye ku nnaku omusanvu n'asooka okulabikira Malyamu Magudaleene gwe yagobako dayimooni omusanvu.

# OKUZUUKIRA, ESSUUBI LYAFFE ERY'EKITIIBWA

### Matayo 16:21

Yesu n'asookera awo okubuulira abayigirizwa be nti kimugwanira okugenda e Yerusaalemi, okubonyaabonyezebwa ennyo abakadde ne bakabona abakulu n'abawandiisi, n'okuttibwa, ne ku lunaku olw'okusatu okuzuukizibwa.

### Abaruumi 6:3-5

Oba temumanyi nga ffe fenna, abaabatizibwa okuyingira mu Kristo Yesu, nga twabatizibwa kuyingira mu kufa kwe? Kyetwava tuziikibwa awamu naye mu kubatizibwa okuyingira mu kufa: nga Kristo bwe yazuukizibwa mu bafu olw'ekitiibwa kya Kitaawe, bwe tutyo naffe tutambulirenga mu bulamu obuggya. Kuba obanga twagattibwa wamu naye mu kifaananyi ky'okufa kwe, era tuligattibwa ne mu kifaananyi ky'okuzuukira kwe.

### Yokaana 5:28, 29

Temwewuunya ekyo: kubanga ekiseera kijja bonna abali mu ntaana lwe baliwulira eddoboozi lye, ne bavaamu; abo abaakolanga ebirungi balizuukirira obulamu; n'abo abaakolanga ebitasaana balizuukirira omusango.

Lukka 1:74, 75

Okukituwa ffe; ffe bwe tulokolebwa mu mikono gy'abalabe baffe, tulyoke tumuweereze nga tetuliiko kye tutya, mu butukuvu ne mu butuukirivu mu maaso ge ennaku zaffe zonna.

Kale bwe tulina ebyasuubizibwa ebyo, abaagalwa, twenaazengako obugwagwa bwonna obw'omubiri n'obw'omwoyo, nga tutuukiriza obutukuvu mu kutya Katonda. —2 Abakkolinso 7:1

2 Timoseewo 2:21

Kale omuntu bwe yeerongoosaako ebyo, anaabeeranga ekintu eky'ekitiibwa, ekyatukuzibwa, ekisaanira omwami okuweerezanga, ekyalongooserezebwa buli mulimu omulungi.

1 Peetero 1:2

Nga bwe yasooka okutegeera Katonda Kitaffe, mu kutukuza kw'Omwoyo, olw'okugonda n'okumansirwako omusaayi gwa Yesu Kristo: ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli.

1 Peetero 1:15

Naye ng'oyo eyabayita bw'ali omutukuvu era nammwe mubeerenga batukuvu mu mpisa zonna.

2 Timoseewo 2:15

Fubanga okweraga ng'osiimibwa Katonda, omukozi atakwatibwa nsonyi, ayisa wakati ekigambo ky'amazima.

Isaaya 35:8
Era eribayo oluguudo, n'ekkubo, era liriyitibwa nti Kkubo lya butukuvu; abatali balongoofu tebaliriyitamu; naye liriba lya bali: abatambuze, weewaawo abasirusiru, tebaliriwabiramu.

Abaebbulaniya 13:12
Era ne Yesu kyeyava abonabonera ebweru wa ankaaki, alyoke atukuze abantu n'omusaayi gwe ye.

1 Yokaana 1:9
Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu.

Matayo 3:11
Nze mbabatiza na mazzi olw'okwenenya: naye oyo ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, sisaanira na kukwata ngatto ze: oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'omuliro.

Abaefeso 1:4
Nga bwe yatulondera mu ye ng'ensi tennaba kutondebwa, ffe okubeera abatukuvu abatalina kabi mu masso ge mu kwagala.

2 Peetero 3:11
Ebyo byonna bwe bigenda okusaanuuka bwe bityo, mugwanidde kubeeranga mutya mu mpisa entutukuvu n'okutyanga Katonda.

Ebikolwa By'Abatume 1:8

Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange....

Ezeekyeri 36:27

Era nditeeka omwoyo gwange munda mu mmwe, ne mbatambuliza mu mateeka gange, era mulikwata emisango gyange ne mugikola.

Abaruumi 8:9

Naye mmwe temuli mu mubiri, wabula mu mwoyo, oba ng'Omwoyo gwa Katonda atuula mu mmwe. Naye omuntu bw'ataba na Mwoyo gwa Kristo, oyo si wuwe.

Lukka 11:13

Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba.

Ebikolwa By'Abatume 4:31

Bwe baamala okusaba, mu kifo we baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.

Ebikolwa By'Abatume 13:52

Abayigirizwa ne bajjula essanyu n'Omwoyo Omutukuvu.

Zabbuli 34:18

Mukama ali kumpi n'abo abalina omutima ogumenyese. Era awonya abalina omwoyo oguboneredde.

Kubanga bino byonna omukono gwange gwe gwabikola, era ebyo byonna ne bibaawo bwe bityo, bw'ayogera Mukama: naye omwavu era alina omwoyo oguboneredde era akankanira ekigambo kyange ye wuuyo gwe nditunuulira. —Isaaya 66:2

Okubikkulirwa 21:4

Naye alisangula buli zziga mu maaso gaabwe; era okufa tekulibaawo nate; so tewaabengawo nate nnaku newakubadde okukaaba newakubadde okulumwa; eby'olubereberye biweddewo.

Zabbuli 37:3

Weesigenga Mukama, okolenga obulungi; beeranga mu nsi, ogobererenga obwesigwa.

1 Peetero 4:12, 13

Abaagalwa, temwewuunyanga olw'okwokebwa okuli mu mmwe, okujja gye muli olw'okubakema, ng'abalabye eky'ekitalo: naye, kubanga mussa kimu mu bibonoobono bya Kristo, musanyukenga; era ne mu kubikkulibwa kw'ekitiibwa kye mulyoke musanyuke n'okujaguza.

Abaebbulaniya 2:18

Kubanga olw'okubonyaabonyezebwa ye yennyini ng'akemebwa, kyava ayinza okubayamba abo abakemebwa.

Abaruumi 16:20

Era Katonda ow'emirembe alibetenta Setaani wansi w'ebigere byammwe mangu. Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga nammwe.

Zabbuli 34:19

Ebibonoobono eby'omutuukirivu bye bingi: naye Mukama amulokola mu byonna.

Isaaya 43:2

Bw'onooyitanga mu mazzi, naabeeranga naawe; ne mu migga, tegirikusaanyaawo: bw'onootambulanga okuyita mu muliro toosiriirenga; so n'omuliro tegulyakira ku ggwe.

Abaruumi 8:28

Era tumanyi nti eri abo abaagala Katonda era abayitibwa ng'okuteesa kwe bwe kuli, ebintu byonna abibakolera wamu olw'obulungi.

Siwali kukema okubakwata okutali kwa bantu: naye Katonda mwesigwa, ataabaganyenga kukemebwa okusinga bwe muyinza; naye awamu n'okukemebwa era anassangawo n'obuddukiro, mulyoke muyinzenga okugumiikiriza. —1 Abakkolinso 10:13

Okubikkulirwa 2:7

Alina okutu awulire Omwoyo ky'agamba ekkanisa. Awangula ndimuwa okulya ku muti ogw'obulamu, oguli wakati mu lusuku lwa Katonda.

Okubikkulirwa 3:5

Bw'atyo awangula alyambazibwa engoye enjeru; so sirisangula n'akatono linnya lye mu kitabo ky'obulamu, era ndyatula erinnya lye mu maaso ga Kitange, ne mu maaso ga bamalayika be.

Okubikkulirwa 3:12

Awangula ndimufuula empagi mu yeekaalu ya Katonda wange, so talifuluma nate bweru: nange ndiwandiika ku ye erinnya lya Katonda wange, n'erinnya ly'ekibuga kya Katonda wange, Yerusaalemi ekiggya, ekikka okuva mu ggulu eri Katonda wange, n'erinnya lyange eriggya.

Okubikkulirwa 3:21

Awangula ndimuwa okutuula awamu nange ku ntebe yange ey'obwakabaka, era nga nange bwe nnawangula, ne ntuula wamu ne Kitange ku ntebe ye ey'obwakabaka.

Okubikkulirwa 21:7

Awangula alisikira ebyo: nange nnaabeeranga Katonda we, naye a naabanga mwana wange.

# KATONDA AYOGERA KU BY'OKUGOBA OMUKAZI

Lukka 16:18

Buli muntu yenna anaagobanga mukazi we n'awasa omulala, ng'ayenze; n'oyo anaawasanga eyagobebwa bba ng'ayenze.

1 Abakkolinso 7:10, 11, 39

Naye abaamala okufumbiriganwa mbalagira, so si nze wabula Mukama waffe, omukazi obutanobanga ku musajja we (naye okunoba bw'anobanga, abeerenga awo obutafumbirwanga, oba atabaganenga ne musajja we); era n'omusajja obutalekangayo mukazi we. . . . Omukazi asibibwa musajja we ng'akyali mulamu; naye musajja we bw'aba nga yeebase, nga wa busa afumbirwenga gw'ayagala; kyokka mu Mukama waffe.

Kubanga omukazi afugibwa bba ng'akyali mulamu; naye bba bw'afa, ng'asumuluddwa mu mateeka ga bba. Kale bwe kityo bba bw'aba ng'akyali mulamu bw'anaabanga n'omusajja omulala, anaayitibwanga mwenzi: naye bba bw'afa, nga wa busa eri amateeka . . . . —Abaruumi 7:2, 3

Naye nange mbagamba nti buli muntu agobanga mukazi we, wabula ogw'obwenzi, ng'amwenzezza: n'oyo awasanga gwe baagoba, ng'ayenze. —Matayo 5:32

Era oba nga ŋŋenda okubateekerateekera ekifo, ndikomawo nate ne mbatwala gye ndi; nze gye ndi, nammwe mubeere eyo. –Yokaana 14:3

Awo lwe kalirabika akabonero ak'Omwana w'omuntu mu ggulu: n'ebika byonna eby'ensi lwe birikuba ebiwoobe, biriraba Omwana w'omuntu ng'ajja ku bire eby'eggulu n'amaanyi n'ekitiibwa ekinene.
–Matayo 24:30

Kubanga buli ankwatirwa ensonyi nze n'ebigambo byange mu mirembe gino egy'obwenzi era emibi, n'Omwana w'omuntu alimukwatirwa ensonyi oyo lw'alijjira mu kitiibwa kya Kitaawe.... –Makko 8:38

Abaagalwa, kaakano tuli baana ba Katonda, so tekinnalabisibwa kye tuliba. Tumanyi nti bw'alirabisibwa tulifaanana nga ye; kubanga tulimulaba nga bw'ali. Era buli muntu yenna alina essuubi eryo mu ye yeetukuza ng'oyo bw'ali omutukuvu. –I Yokaana 3:2, 3

Nammwe mweteeketeekenga: kubanga Omwana w'omuntu ajjira mu kiseera mwe mutalowooleza. –Lukka 12:40

## EKIGAMBO KYA KATONDA

**Eggulu n'ensi biriggwaawo; naye ebigambo byange tebiriggwaawo n'akatono.**

**–Lukka 21:33**

**Kubanga siwali kigambo kya bannabbi ekyali kireeteddwa mu kwagala kw'abantu: naye abantu baayogeranga ebyava eri Katonda, nga bakwatiddwa Omwoyo Omutukuvu.**

**–2 Peetero 1:21**

**Ekigambo kyo ye ttabaaza eri ebigere byange, N'omusana eri ekkubo lyange.**

**–Zabbuli 119:105**



## SABA ERA SONYIWA

**Kale, musabenga bwe muti, nti Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya lyo litukuzibwe. Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu. Otuwe leero emmere yaffe eya leero. Otusonyiwe amabanja gaffe, nga naffe bwe tusonyiye abatwewolako. Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole eri omubi. Kubanga obwakabaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa, bibyo, emirembe n'emirembe, Amiina. Kubanga bwe munaasonyiwanga abantu ebyonoono byabwe, Kitammwe ali mu ggulu anaabasonyiwanga nammwe.**

**–Matayo 6:9-14**

# EKKUBO LYA KATONDA ERY'OBULOKOZI

### *Nneetaaga Omulokozi.*

**Kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda. –Abaruumi 3:23**

### *Kristo Yanfiirira*

**Kubanga era ne Kristo yabonyaabonyezebwa olw'ebibi omulundi gumu, omutuukirivu olw'abatali batuukirivu, atuleete eri Katonda.... –1 Peetero 3:18**

### *Nneetaaga Okwenenya Ebibi Byange*

**Kale mwenenye, mukyuke, ebibi byammwe bisangulibwe....**
**–Ebikolwa By'Abatume 3:19**

### *Nteekwa okutwala Yesu olw'okukkiriza*

**Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye. –Yokaana 1:12**

### *Nyinza Okuba Omukakafu ku Bulokozi Bwange*

**Alina Omwana alina obulamu.... –1 Yokaana 5:12**

**Ddala ddala mbagamba nti Awulira ekigambo kyange, n'akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggwaawo, so talijja mu musango, naye ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu. –Yokaana 5:24**

Published in numerous languages by World Missionary Press as God supplies funds in answer to prayer. If you would like more copies for careful distribution, please write to us in English or visit **www.wmpress.org.**

**World Missionary Press, Inc.**
**P.O. Box 120**
**New Paris, IN 46553-0120 USA**

www.wmpress.org 7-15 183 Luganda HFA